# Ow'e Luweero asabye Gavt. ku kukuumira abaana mu masomero

Bya SHARON NABASIRYE

## Mwennyamivu ku bafuna embuto nga bato n'obuseegu

SHARON NABASIRYE



Abayizi ba Central Girls Vocational School nga bayimba ennyimba ezikunga okulwanisa obufumbo bw'abaana abatanneetuuka.

AVUNAANYIZIBWA ku nsonga z'abaana mu disitulikiti y'e Luweero, Martha Butono asabye Gavumenti okwongera ku nteekateeka zaayo ezisobola okukuumira abaana mu masomero.

Okwogera bino Butono abadde mu lukung'aana lw'okulwanyisa abaana abafumbirwa nga bato lwe batuumye 'Girls not Brides Uganda' nga luno lwabadde ku Central Girls Vocational School kù kyalo Masunkwe mu ggombolola y'e Ziroobwe mu disitulikiti y'e Luweero .

Agamba nti mu Luweero, baakizuula ng'abakazi 15 ku buli 100 abagenda okufuna obujjanjabi bw'okuzaala babeera baana. Yagambye nti bano bandibadde bali mu masomero ne batagenda mu bya kuzaala nga bakyali bato. Yagambye nti ensonga esinze okuleeta obuzibu ya bwavu nga buno bweyoleka mu ngeri nti okukabassanya abaana bakufudde byanfuna ng'abazadde bateesa n'abakabassanya abaana baabwe era emisango gino girwawo okutuuka mu boobuyinza nga egyo gyokka egituuka gyegyo entegeeragana mu byenfuna bweba eremye .

"Ng'oggyeeko emmwanyi, abazadde kati abaana babafudde byanfuna nga tebeesika kubafunamu ssente," Butono bwe yagambye.

Yagasseeko nti n'obukaba mu baana bweyongedde , ng'emisango egisinga kati giri mu baana ne baana bannaabwe ekiraga nti abazadde basudde nnyo obuvunaanyibwa bwabwe .

Akulira 'Girls not brides' mu masekkati ga Uganda, Ian Kikomeko mu kwogera kwe yakubidde omulanga buli muntu okusitukiramu okulwanyisa abaana okufumbirwa nga bato nga kino tebateekeddwa kukifuula buvunaanyizibwa bwa Gavumenti yokka oba masomero oba bazadde wabula buli muntu akitwale nga buvunaanyizibwa bwe .

Asabye abazadde okufaayo okumanya myaka ki gye bawa essimu era bafeeyo nnyo okumanya biki bye balaba ku masimu kuba omulembe gw'omutimbagano guno bayiga bingi ku masimu.